# EBOLA: Gavt. eweze ebivvulu n'enkung'aana

Bya JOHN MUSENZE

GAVUMENTI eyimirizza ebivvulu byonna, n'enkung'aana z'ebyobuwangwa, ebikujjuko by'abantu n'enkung'aana endala ez'abantu abangi mu Kampala n'ebitundu ebiri mu bulabe obw'amaanyi nga Uganda, okutangira okusaasaana kw'obulwadde bwa Ebola.

Obukwakkulizo buno obupya bwalangiriddwa omuwandiisi ow'enkalakkalira mu minisitule y'ebyobulamu, Dr. Diana Atwine, oluvannyuma lw'okusalawo kw'olukiiko lw'ekibiina ekivunaanyizibwa ku nsonga z'okulwanyisa obulwadde bwa Ebola olukubirizibwa omumyuka wa Pulezidenti, Jessica Alupo.

"Ebiragiro bino bigendereddwaamu okukendeeza ku kusaasaanya obulwadde buno naddala nga kimanyikiddwa nti bwatuuka dda wano mu ggwanga. Abantu bwe babeera awamu, kyangu okwekwata mu ngalo n'okubeera awamu ng'ate eno y'engeri esinga okusaasaanya obulwadde buno," Atwine bwe yategeezezza.

Ebitundu ebikoseddwa mulimu Kampala, Wakiso, Mukono, Mpigi n'amagombolola agawerako ku nsalo omuli Arua, Koboko, Kasese, Bundibugyo, Kisoro, Kanungu, Hoima, Kikuube ne Kiryandongo, n'amalala.

Wabula minisitule yatangaazizza nti enkiiko z'ebitongole ezitegekeddwa n'enkung'aana entongole ziyinza okugenda mu maaso, kasita abategesi bassa mu nkola enkola z'okuziyiza Ebola ezifulumiziddwa minisitule y'ebyobulamu. Abategesi era balagiddwa okwewala omujjuzo, okukwatagana mu ngalo n'okunywegera.

"Mwewale okukwatagana mu ngalo, okwenywegera n'engeri endala zonna ez'okukwatagana obutereevu mu mubiri mu ngeri eteetaagisa, ekyongera obulabe bw'okusiigibwa obulwadde buno,"

Minisitule yayongedde okulagira abategesi bonna ab'enkung'aana ezikkiriziddwa okulonda abantu abakulu abavunaanyizibwa ku kussa mu nkola enkola z'okuziyiza okusaassaana kw'obulwadde buno.

Era baabalagidde okubeera obulindaala nga gwe bazuulamu obubonero nga omusujja, okusiiyibwa, ekiddukano, okulumwa omutwe ogw'amaanyi, obunafu oba okuvaamu omusaayi mu ngeri etetegeerekeka bamuddusa mu beebyobulamu abali okumpi.

Obukwakkulizo buno buzze mu kiseera nga Uganda yassaawo dda enkola endala eziwerako omuli okuggala ensalo ya Uganda ne DRC okumala wiiki 4. Atwine yalagidde ebitongole by'ebyokwerinda n'abakulira disitulikiti okussa mu nkola ebiragiro bino.

## Abantu bye bagamba



**Catherine Magumba: Minisitule tennatubuulira bituufu ku Ebola kua yasooka kubigaana. Bayimirize abayingira mu ggwanga kyokka enkung'aana bazireke kuba ekyo kitukosa. Batuwe lipooti entuufu ku Ebola.**



**Joseph Mudhasi: Awo Gavumenti eraze nti eyagala abantu baayo nga balamu. Nsaba Bannayuganda bagoberere ebiragiro kubanga ne bajjajjaffe baalugera nti okuziyiza kusinga okuwonya.**



**Ivan Matovu: Okuyimiriza ebivvulu n'enkugaana kisaanidde era kiraga nti Gavumenti teyagala bantu baayo kufa. Twagala abantu bonna babe balamu era nsaba ffenna tugoberere amateeka.**